**14th/02/2021**

## 1ABASESSALONIIKA 2:1-12 - OBUWEEREZA BWONNA BWETAAGA BWETOWAZE

Mu kitundu kino tugenda kulaba nti buli muntu yenna ayitiddwa okuweereza Katonda mu bwakabaka bwe alina okuba omwetowaze.

**Vs1-2 Okuwakanyizibwa n'okugumiikiriza**

**Vs3-8 Ekikula ky'Enjiri eyabuulirwa**

**Vs9-12 Okwewaayo n'ekyokulabirako ky'ababuuliizi**

**Vs1-2 Okuwakanyizibwa n'okugumiikiriza**

Okugenda kw'ababuulizi e Sessaloniika tekwafa busa wabula kwalimu amakulu; tebaatengejjera busa.

Ababuuliizi baayigganyizibwa era ne bawakanyizibwa nga bali e Firipi naye baanywerera mu kukkiriza era ne basigala nga babuulira ekigambo kya Katonda.

Era ekigambo kya Katonda kyategeezebwa mu kugaanibwa (mu kuziyizibwa) okungi.

**Enjiri ekyawakanyizibwa ne leero ab'amadiini, eb'eby'obufuzi, abasamize n'abalala bangi abatakkiriza Katonda naye ababuuliizi tulina okusigala nga tubuulira n'amagezi ne wakati mu kuwakanyizibwa.**

**Vs3-8 Ekikula ky'Enjiri eyabuulirwa**

Ekimu kubyakola Enjiri mwe muli okubuulirira.

I) Okutaali kwa bulimba; kwali kulungamya awamu n'okuzzaamu amaanyi okutaakolebwa na bigambo ebitali bituufu/ ebitaali by'amazima.
II) Tekwali kwa bugwenyufu wadde obukuusa; obugwagwa wadde okwefuula kyebataali.

**Vs4.** Katonda ye yennyini yafuula abaweereza abasaana n'abakwasa ekigambo kye.

Tebaayagala kusiimibwa bantu naye baayagala okusiimibwa Katonda (okukola Katonda ky'ayagala newaakubadde nga tekisanyusa bantu) amanyi ebigendererwa by'emitima gyaffe mu buli kye tukola.

Tuleke okwagala okusanyusa abantu naye tweweeyo okusanyusa Katonda.

Bangi kuffe twagala nnyo okusiimibwa abantu kyetuva tukola ebintu bingi mu kwekkiriranya.

**Vs5.** Tebaakozesa bigambo bisuuta (ebinyuma okuwulira bingi biba bya bulimba.)

Abaweereza bano tebaalina kwegomba kwa kwekebwa mabega wabuweereza bwa bwe era ne Katonda yali mujulirwa ku bigendererwa bya bwe.

Twegendereze abantu abakozesa ebigmbo ebisuusuuta kubanga bano baba beenoonyeza byabwe ate era bangi ku bo baba n'ebigendererwa ebitali bya bwakatonda.

**Vs6-7** Tebaayagala kitiibwa kyabwe bo okuva mu bantu wadde okutikka omuntu yenna obuzito/ emigugu gyabwe mu linnya ly'abatume ba Kristo.

Tetulina kuweereza kufuna kitiibwa kyaffe wabula ekitiibwa kya Katonda.

Bangi baweereza ng'ab'eby'obufuzi abatunuulira ebitiibwa n'ebifo ekivaamu nga kutikka bantu bebandiweerezza emigugu.

Naye ababuulizi bano baali bawombeefu ng'omulezi w'abaana bwe yewombeeka (bw'akkakkana) n'afaanana ng'omwana gw'alabirira.

Buli muweereeza kimugwaanira okukkakkana okutuuka ku ddaala ly'abantu b'aweereza.

Abaweereza ab'ekikula kino Yesu Kristo yaboogerako mu;

**<u>Matayo 23:1-12</u> -**

Katonda yatuwa eky'okulabirako mu Kristo Yesu bwe yayambala omubiri n'akka okutulokola.

**Vs8** Ng'ojjeeko  eky'okubuulira ekigambo kya Katonda, ababuulizi baawaayo emyoyo gyabwe eri Katonda ku lw'abantu bebaaweerezanga kubanga baali mikwano gya bwe.

Enjiri gye tubuulira nnamu kale nga kitugwanira okugireka okukola mu bulamu bwaffe nga bwe tusomesa.

**Vs9-12 Okwewaayo n'eky'okulabirako ky'ababuulizi**

**Vs9** Bajjukiza nti baakola nnyo n'amaanyi emirimu nga bwe baakola mu by'omyoyo baleme kuyimirirawo ku muntu yenna.

**<u>1Abakkolinso 4:12</u> - *Tutegana nga tukola emirimu n'emikono gyaffe; tusabira emikisa abo abatukolimira; bwe tuyigganyizibwa tugumiikiriza;***

**Vs10-11** Abaweereza tebaaliko kya kunenyezebwa mu maaso ga Katonda n'abantu (abakkiriza) era nga n'abakkiriza baajulira ku kino.

Ani ayinza okwogera ebigambo  bino?!

Bigambo bigumu, bisoomooza.

Katonda atuwe ekisa tube abataliiko kya kunenyezebwa mu maaso g'abantu n'agage.

Kizibu okukola ekimu ku bino kubanga okumanya obutuukirivu obwannamaddala kisalibwawo okumanya Katonda n'okuba abatuukirivu.

Abaweereza bano tebeerekerayo wabula baaweereza na buli kimu ekyabwe era baalinga abazadde eri buli mukkiriza.

**Vs12** Baalumiriza abakkiriza okweyisa nga bwe kisaana abantu ba Katonda eyabayita okubeera ekitundutundu ku bantu b'obwakabaka bwa Katonda n'abo abalibeera mu kitiibwa.

Okubuulirira n'okugumya kwonna okukolebwa abaweereza eri buli mukkiriza kuba kwa kumuteekateeka kusaanira mu maaso ga Katonda ne n'okusikira obwakabaka bwe.

Ekikulu mu kitundu kino kwe kwetowaza mu buweereza bw'obwakabaka bwa Katonda.

Obwakabaka bwa Katonda bwawukana n'obwakabaka bw'ensi nti mu kuweereza Katonda tulina okukoppa Katonda mu nkolaze.

**<u>Abafiripi 2:3-11</u> -** ***nga temukola kintu na kimu olw'okuvuganya wadde okwewaana okutaliimu, wabula mu bwetoowaze nga buli muntu agulumiza munne okusinga bwe mwegulumiza mwekka, [4] nga buli muntu tatunuulira bibye yekka, naye ng'afaayo ne ku by'abalala.[5] Mubengamu endowooza eri eyali mu Kristo Yesu,[6] ye newaakubadde nga yali mu kifaananyi kya Katonda, Teyeerowooza kwenkanankana ne Katonda,[7] wabula yeewaayo n'afuuka ng'omuddu, era n'azaalibwa ng'omuntu, era n'alabikira mu kifaananyi ky'omuntu, [8] ne yeetoowaza, n'aba muwulize n'okutuukira ddala ku kufa, ate okufa okw'okukomererwa ku musaalaba [9] Katonda kyeyava amugulumiza,  n'amuwa erinnya erisinga amannya gonna; [10] buli vviivi ery'abo abali mu ggulu n'abali ku nsi, era n'abali wansi w'ensi liryoke lifukaamirirenga erinnya lya Yesu,[11] era buli lulimi lwatulenga nga Yesu Kristo ye Mukama, Katonda Kitaffe aweebwe ekitiibwa.***

Buli eyayitibwa okuweereza Katonda yayitibwa okuweereeza mu bwetowaze era nga tulabira ku Mukama waffe Yesu Kristo nti yewombeeka okutuuka okufa.

**<u>Matayo 18:1-4</u> -** ***Mu kiseera ekyo abayigirizwa ba Yesu ne bajja gy'ali nga bagamba nti, "Ani asinga obukulu mu bwakabaka obw'omu ggulu?"***

*[2] Yesu n'ayita omwana omuto n'amussa mu makkati gaabwe. [3] N'abagamba nti, "Ddala ddala mbagamba nti bwe mutakyuke kufaanana ng'abaana abato temugenda kuyingira mu bwakabaka obw'omu ggulu. [4] Noolwekyo buli eyeetoowaza ng'omwana ono omuto y'aliba asinga obukulu mu bwakabaka obw'omu ggulu.*

**1 Abakkolinso 9:11-12** - *Obanga ffe twabasigamu eby'omwoyo, tekiriba kya kitalo bwe tulikungula ebyammwe eby'omubiri? [12] Kale obanga abalala balina obuyinza ku mmwe, ffe tetusaanidde nnyo n'okusingawo? Kyokka ffe tetwabakaka kubituwa.*

*Naye tugumiikiriza byonna, tuleme okuziyiza Enjiri ya Kristo.*

**1Timoseewo 3:8-10** - *Abadiikoni nabo kibagwanira okuba abantu abassibwamu ekitiibwa abatataaganaaga mu bigambo byabwe, abatatamiira, era abatalulunkanira bintu, [9] nga bakuuma ekyama ky'okukkiriza n'omutima omulongoofu. [10] Basookanga kugezesebwa balyoke baweereze mu budiikooni nga tebaliiko kya kunenyezebwa.*